

CBM Uganda

ABANYARUGANDA OMURI YESU

CBM Uganda

OKUBEERA MU MAZIMA

EBIKULU BYE NTEKEDDWA OKUKOLA N'OKUBEERA

NABYO MU BULAMU BWANGE NG'OMUGOBEREZI WA KRISTO

Okwagala kwange eri Katonda, neri omulokozi Yesu Kristo.

1. Ki??wanira okwagalanga mukama Katonda n'omutima gwange gwona, n'ememe yange yonna, n'okulowooza kwange kwona, n'amanyi gange gona. Makko 12:30

2. Obuwereza bwange eri Katonda kye kirina okubera ekintu ekiberyeberye mubulamu bwange. Teri kilala kisinga kuno.

Matayo 6:33

3. Ndina okwagalanga bulijjo okukolanga emirimu gya mukama n'obukiriza era n'obuvumu nga bwekiba kisobose.

Matayo 24:45-47; Bik. 20:28

4. Kingwaniranga okutya oyo (Katonda) alizikiririzza ddala abo abajjemu nabatali batukirivu.

2 Bes. 1:7-9; Matayo 10:28; 25:30

Okusaba kwange n'ekkanisa

5. Ndina okubanga mukiriza mukujukiranga Yesu nga mmenya omugati (okusembera) buli ku sande. Era nga teri kindobera kutukiriza mukwetaba kumukolo guno.

Matayo 26:26-28; 1 Kol. 11:23-26; Bik 2:42; 20:7

6. Enku??ana zonna ziberenga mu mpisa ennungi.

1 Kol. 14:40

7. Ndina okusisinkananga baganda bange ne banyinaze mu Kristo, mu mukwano era n'essanyu mu kubalamusakko.

Bar. 16:16; 1 Kol.16:20; 2 Kol. 13:12.

8. Mu buwereza bwange ndina okugezangako okussa emwoyo gwange kwe byo ebiba bigambibwa n'ebikolebwa.

1 Kol. 11:29; Bef. 6:18

9. Bwembanga mpitiddwa okusaba mulujjude, essala yange ngiwengayo n'obwewombefu ate era mululimi olutegerekeka.

Baf. 4:6; Bak. 4:2; Mub. 5:2; Luka 18: 9-14

10. Tuwengayo obuterekereza, n'omutima gumu era bwe tutyo ne mu nsawo y'ekkanisa.

2 Kol. 8:12-15; 9:6-7; Bar. 12: 8

11. Mpengayo amanyi gange n'obwagazi bwange nga bwekiba kisobose eri entekateka ye mirimu gy'ekkanisa.

1 Tim.4:12-16; 2 Tim. 2:15

Okusiinza Kwange Okw'omu

12. Ki??waniranga okusaba kulwange zeka, buli kumakya n'ekiro era n'okusingawo.

Luka 18:1; Matayo 7:7; 6:9-13

13. Ki??wanira okwebazanga Katonda mubulikimu, nemw'ebyo byendaba nga bya bulijjo, n'okwebazanga eri buli kyakulya kyona. Ng'akabonero akalaga okweba aza kwange mu bintu byonna. Bef. 5:20; Bak. 3:15-17; 1 Bes. 5:18; Beb. 13:15

14. Ndina okusomanga ebyawandiikibwa era nga mbirowoozako bulijjo, era nebazenga Katonda mubyo, nga nate era, musaba okunyamba okubitegeera obulungi.

Yok. 5:39; Bik. 17:11; 20:32; 1 Tim. 4:13

15. Olw'okusoma ebyawandiikibwa ebiwereko, kigenda kunsobozesa okubeera omujulirwa wa Yesu Kristo mumbozi yange eyabulijjo n'abantu.

1 Pet. 3:15; Bak. 4:6

Omulumu Gwange eri abantu bonna

16. Ku lw'okutegeera kwange nga bwesigwanidde kisa kya Katonda kyeyanjolesa nze, ki??wanide bulijjo okunoonyanga okulaga ekisa eri abalala bona, newankubadde ngamuk ndowooza nti kino tekibagwanira.

Matayo 5:44-48

17. Ki??wanira okuba omwetegefu bulijjo, okuyambanga abo bona abali mubwetavu nga nijukiranga omusamaliya omulungi.

Luk. 20:30-37; 1 Yokana 3:17; Yak. 2:15-16

18. Ndina okulaga okwagala kwange okusoboka eri abalwadde, abakadde, bamulekwa ne namwandu, naye okusingira ddala ab'omukkanisa.

Bar. 12:13; 2 Kol. 9:6-8; Beb. 13:16; Bag. 6:10

19. Tobeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna.

Bar. 13:8

20. Nnemenga okugezako okuwaliriiza oyo yena abatute ebintu byange okubinkomezawo, kabe ng'abade ebinewozekko oba nga yabibba bubba.

Luk. 6:35

21. Nsabirenga nabo bona ebiyita abalabe bange, nawakubade nga ensonga nnene oba ntono. Mbalagenga obulungi eri obubi bwabwe.

Luk. 23: 34; Matayo 5: 44; 1 Kol. 4: 12-13; 1 Pet. 3: 9; Bar. 12:21.

22. Eky'okulabirako kya mukama wange yenyini tekinzikiriza kukozeza manyi oba okulwanagana mu ngeri yona yona.

Mat 5: 39; 26: 52; Bar. 12: 17-19

23. Mberenga omugonvu bulijjo, newakubadde nga nsomozebwa nyo ddala, era newalenga enjogera embi.

1 Pet. 3: 8,9; Beb. 12: 14

24. Munkolagana zange zona ezabulijjo mberenga wamazima ate omuteefu.

Bar. 12: 17

25. Naye mubyona nkolerenga banange bye bagala era nga nze bwe nandisubide bo, okunkolera.

Mat. 7: 12

OMULIMU GWANGE OGWE NJAWULO ERI AB'OLUGANDA

26. Ndina okugezangako okulaba obulungi mu balala so obutali bubi.

Bar. 12: 10; Baf. 2: 3

27. Nnemenga okunyiiga amangu, naye nzujukire nga Katonda ye, bwe yansasira.

Mat. 5: 23,24; Bak. 3: 12-14; Luka 6: 41

28. Nzikirize okunenyezebwa n'obuguminkiriza era n'obuwombefu.

Beb. 13: 22; 12: 1-11; 2 Kol. 7: 8-11

29. Ndina okubera omwetegefu bulijjo okusonyiwanga n'omutima gwange oyo yena abansobeza.

Kubanga bwe sisonyinwanga Katonda naye tansonyiwe.

Mat. 18: 21, 22, 35; Bef. 4: 31, 32; Mat. 6: 14-15

30. Okulwanagana n'okukolima tebisanye kubera mubulamu bwange ne Yesu - ab'ensi be bakola ebiringa ebyo.

Tito 3: 2; 2 Tim. 2: 24; Mat. 5: 39

31. Nsanye okwegenderezzanga mu ebyo byona byenjogera ne byenkola neme okwesitazza aboluganda abatali banywevu, nabo abakyali abato mukukirizza.

Bar. 14: 13, 21; 1 Kol. 8: 13; Mat. 18: 6

ENKOLAGANA YANGE ERI EMIKWAANO NAB'EGANDA

32. Ndina okwegendereza abo bemberamu. Emikwaano emilala gyiyamba, naye ate emilala gyiyinza okunemesa okugoberera Kristo.

1 Kol. 15: 33, 56; Baf. 4: 8

33. Ndina okunonya emikwaano n'okussekimu, mu baganda baage ne banyinange mu Kristo era nga nfuna eb'emikwaano okuva mu kanisa.

1 Pet. 4: 3-5; Bef. 5: 6-8; Bik. 2: 42; Beb. 10: 24-25

34. Ndina okwewala obwenzi n'obukaba, newakubade nga ensi erowooza nti bya mu butonde. Okwegata n'omukazi okutali kwa mufumbo muzizo eri mukama era kino kivola omubiri gwange, kubanga omubiri gwange Yeekaalu ya Katonda. Ntekwa okubulira mikwaano gyange egyagala okusendasenda okukola bino nti tekingawanide kuwayo bulamu bwange mu ebyo.

1 Kol. 5: 9-11, 6: 13, 18, 19; Bef. 5: 3; 1 Bes. 4: 3-8; Mat. 5: 28

35. Bwemba ssinafumbizza oba okufumbirwa, obutukuvu n'obugonvu eri Kristo binkakatako okufumbizza oba okufumbirwa mu mukama waffe. Kiba kyabusiru okwegata nze n'oyo atanaba kukiriza, obulamu bwange bwona.

1 Kol. 7: 39; 2 Kol. 6: 14-16

36. Bwemba ndi mwaami mumaka nsanide okuberanga ow'ekisa ate alowooza ku mukyala wange, nga Sirekayo kyona olw'okumuyambanga, nga bwekiri nti Kristo yawayo obulamubwe olw'okubera ekkansa.

Bef. 5: 25,26; Bak. 3: 19; 1 Pet. 3: 7.

37. Bwemba ndi mukyala mumaka okukimanya nti omwaani wange gwe mutwe mu maka gaffe, nga era bwekiri nti ekkansa yewaayo n'obugonvu eri Kristo mukama.

Bef. 5: 22-24; Bak. 3: 18; 1 Pet. 3: 1

38. Okugoba (oba okwawukanamu) kiremenga okulowoozebawo gyemuli. Ekyawandiikibwa kitegeza nti: "Kale Katonda kye yagatta awamu, omuntu takyawulangamu".

Mat. 19: 4-6; 1 Kol. 7: 10-11; Mak. 10: 1-10

39. Bwemba nga ndi muzade, nkolenga namanyi okulaba nti nsomesa abaana bange mukumanya ekigambo kya Katonda ne mu mpiisa enungi. Era ngezengako n'obwegendereza bungi okulaba nti abaana bayisibwa bulungi awaka.

Bef. 6: 4; Bak. 3: 21

40. Ng'omwaana omulenzi oba omuwaala, kingwanide okugonderanga abazade bange, kakibe nti bakiriiza oba nedda, okugyako nga bangambye okukola ekyo ekyimenya amateeka ga mukama waffe Kristo. Ndina okubawa ekitiibwa ekimala, era nga sibadamu bubi.

Bef. 6: 1,2; Bak. 3: 20

KU MULIMU GWANGE OGWABULIJJO

41. Bwemba ndi mukozesa, kingwanide okubera nekisa, mwenkanya ate afaayo kubakozi banange nebe nkozesa.

Bak. 4: 1; Bef. 6: 9

42. Bwebanga bankozesa bukozesa, nina okubera omukozi owamazima ate omutetenkanya. Ndina okukola bino newakubade nga ndowooza nti mukama - wange ankozesa mumbera embi, nti era tampa musaala gumala.

Bak. 3: 22-25; Bef. 6:5

43. Nnemenga okutola oba okukozesa ebintu bya mukama wange; Ssitolanga kantu n'akatono enyo nga simaze kumwebuzako okusooka.

Tito 2: 9, 10; Bak. 3: 22-25

Ebinsanide mubulamu bwange mukkanisa

44. Nsanye okukoopa eby'okulabirako ebirungi nga okusokera ku Kristo Paulo oba ne mu kkanisa.

1 Kol. 11: 1; Baf. 3: 17; Beb. 13: 7

45. Nsanye bulijjo okuyambanga mu mulimu gw'okubuliira Enjiri mungeri yona gyensobola, naye okusingiraddala nga netaba munku??ana gonna ez'ekkanisa. Ndina okwogeranga kusuubi lye nina mu Kristo buli lwemba nfunye omukisa, nga sirina kutya kwona.

Luk. 12: 8; Mak. 8: 38; 2 Tim. 1: 8

46. Nsanye okwegenderezanga bannabbi ob'obulimba (abasomesa) nga nnonyereza kwebyo byona byemba mpuliide mu byawandiikibwa ebya Katonda (Baibuli).

1 Bes. 5: 21; 2 Pet. 2: 1; Mat. 24: 24

47. Okwemulugunya n'okuvuvuuma bibi nyo ddala. Bwemba, nga mpulira muli nti ebigambo ebyogeddwa ow'oluganda gundi Sisobola kubireka oba okubisirikira, ntekwa okwogerezaganyamu n'oyo gwekiba ki kwatoko, bwetubetetukanyizza ndeetayo nate ow'oluganda omulala okutuwabula. Era bwebilema neri ono, olwo ensonga nenzitwala eri ekanisa.

Baf. 2: 14, 15; Mat. 18: 15-17; 1 Kol. 10: 10

48. Bwemba nina obutakanya oba empalana wakati wange n'omu kub'oluganda, tekisanye nti ndekeyo okumenya omugati (okusembera) oba okuku??ana, kuba lino siry'eddagala. Eky'okukola kiri kimu kyoka, kusaba Katonda kunyamba obukyayi bunno okunva mumutima gwange.

1 Kol. 4: 5; Yakobo 3: 14, 15; 1 Yok. 4: 20, 21; Mat. 5: 23-24

49. Bwemba nsobeza mu kintu kyona, nsanye okukirizanga muli zzeka, era ne nsaba okusonyiibwa.

Yak. 5: 16; Zab. 32: 5

50. Enyombo tezisanye nakubera mukanisa yange. Tuli ba nyumba emu mu Kristo. Obusungu si kintu kirungi.

Bef. 4: 29, 31, 32; Bak. 4: 6; Tito 2: 7, 8

51. Nsanye okuyamba ekanisa obutaletewamu bukukuulu oba okweyawulayawulamu. Kristo ayawuliddwamu?

1 Kol. 1: 12, 13; 3: 3, 4; Baf. 2: 1-3

52. Tewali gwanga oba kibiina mu Kristo. Kino Katonda takisanyukira.

Bag. 3: 28; Kub. 7: 9; Bik. 10: 34, 35; Yak. 2: 8, 9

Okwewala okulabika nga abaana b'ensi.

53. Ndina okwewalanga ebintu ebyo byona ebinyinza okusendasenda okukola obubi; ebiri nga bino. Cineema embi, ebitabo oba obutabo bwona obw'obugwenyufu.

Baf. 4: 8; Bef. 5: 3, 4; Bar. 1: 28-32; 1 Pet. 2: 11

54. Munjogera yange yona mulemenga okuberamu okuvoola n'olulimi olubi. Katonda awuliira ebyo byona byenjogera era nebyamba ndowooza mu muttima gwange.

Bef. 4: 29; Bak. 3: 8; Mat. 5: 37; 12: 36

55. Olugambo n'okuwayiriza bibi binene nyo, era nsanye okubyewalanga byombi ebyo.

Tito 3: 2; Bef. 4: 31, 32

56. Obulimba n'obutali bwenkanya kakibe mukintu ekitono sikirungi. Bino ntekwa okubijja mubulamu bwange.

Tito 1: 10; 1 Pet. 2: 1, 21, 22; Bik. 5: 1-11; Kub. 22: 15.

57. Sisanye kutwala muntu yena mu kooti. Eno nkola y'abaana b'ensi. Engeri ya Kristo kukirizzanga nsobi.

1 Kol. 6: 1-7; Mat. 5: 38-42

58. Ng'omugoberezi wa Kristo tekingwanidde kwenyigira mu byabufuzi byona oba okulonda, kubanga bwembikola bino mbanga akiririza mu bantu b'ensi eno ate nga okukiriza kwange n'essubi lyange bisanye kubeera eri Katonda n'obwakabakabwe obugenda okujja oba ekisirikale.
2 Kol. 6: 14-18; 1 Pet. 2: 11, 12; 1 Yok. 1: 6; 2: 15; Yok. 18: 36; Mat. 5: 23-24

59. Kuba nasalawo okuwa Yesu Kristo ekitiibwa era ne ndagirwa okuberanga n'emirembe eri buli muntu, tekingwanidde kuyingira magye oba polisi oba mubikolwa byona eby'ekijasi.
Mat. 26: 52; Yok. 18: 36; Mat. 5: 43-48

60. Ng'omugoberezi wa Kristo, teki??wanira kwetaba mu bibina bya nsi eno bwe biba nga tebigendeera ku by'awandiikibwa.
1 Kol. 10: 20,21; 2 Kol. 6: 14-18; 1 Yok. 2: 15

61. Ntekwa okwekuma ebirubirwa bya b'ensi nga nijjukira nti biyinza okwonoona obulamu bwange obwomwoyo n'obw'ekanisa.
1 Tim. 6: 10; 2 Tim. 3: 1, 2

62. Obutamivu sikirungi era tekikirizibwa. Endowooza yange yandibade bulijjo kubutukuvu naye so sikwejjalabya na kunywa mwenge.
Bar. 13: 13, 14; Bes. 5: 6, 7; Bef. 5: 18; 1 Kol. 5: 11

63. Ntekwa butekwa okugondera ebiragiro by'ensi yange n'obwegendereza, mubintu ebitono ate era nemu binene. Okujjako nga ndagiddwa okukola ebyo ebikotagana n'ebya Kristo, olwo mbamutufu okugaana.
Bar. 13: 1-7; 1 Pet. 2: 13, 14; Tito 3: 1

Okutukuza obulamubwange mumaaso ga Katonda

64. Netaaga bulijjo okulwanyisanga okwegomba kwange okw'omubiri, era nga Sigwaamu manyi okukola bwenti, oba oli awo olwendowooza Yabo abantu abanetolodde.
Bag. 5: 16, 24; 2 Tim. 2: 22; Yak. 1: 3, 4, 12, Bar. 8: 5-9

65. Sikitufu okusunguwala amangu ddala. Bwemba nga bwenti bwendi, nina okukilwanyisa bulijjo nabulijjo okusobola okwekuuma obutakola kabi kona.
Yak. 1: 19, 20; Ngero 16: 32; 19: 11

66. Ntekwa okwogeranga amazima bulijjo. Obulimba kibi kinene nyo. Ebyava mukulimba kw'ogussota mu Adeni tukyabirina nakati.
Bef. 4: 25; Bak. 3: 9; Bik. 5: 1-11; Kub. 22: 15

67. Mubigambo (mbozi) oba mu bikolwabyange nsana okulaganga nti, ndi mugoberezi wa Yesu era nga nekuma okulaba nti simwegana mu balamu bwange.
Luk. 12: 8; Mak. 8: 38; 2 Tim. 1: 8

68. Nnemenga okwegomba abo b'endowooza nti baali bulungi okunsigakko.
Luk. 12: 15; Mat. 6: 19; Beb. 13: 5

69. Nsanye okukitegeeranga bulijjo nti kitaffe Katonda yali mubuyinza nti era yampa buli kyetaago kyange nga ngamba bwenti: -
"Bwekuba kwagala kwa Mukama", "Olw'ekisa kya Katonda".
Yak. 4: 14, 15; Ngero. 3: 6

70. Ndowoozenga ku Yesu mu mwooyo gwange bulijjo. Naddala nga nsanze obuzibu, kingwaniide okwebuza nti: "Singa abade Yesu yandikoze ki?"
1 Pet. 2: 21-23; Yok. 13: 15; Baf. 2: 5

71. Mu byona ntekeddwa okulubiriranga obulongoofu n'obutukirivu, okusobola okusanyusa Mukamawange ali muggulu.
Bar. 6: 19, 22; 1 Yok. 3: 3; Beb. 12: 14

72. Nzikiriza nga okujja kwa mukama waffe kuli kumpi. Ndina okweyisa ng'oyo amanyidde ddala nti: wewaawo kuli kumpi.
Mat. 24: 44; Luk. 12: 35-37; 2 Pet. 3: 13, 14

ENGERI KATONDA YA NYAMBAMU

73. Nnemenga okwematiza zzeka nti emirimu gyange gyimala okusanyusa Katonda. Mmanyenga kino nti: ndimunafu nyo kubwange nze.
1 Kol. 10: 12; 15: 58; Bar. 7: 18-25

74. Kinsanira okusabanga buli kadde nga negayirira Katonda okunyongera amaanyi bwentyo nsobole okukola obulungi. Okuyambwa kunene okuwebwa oyo ab'akusabye.
Baf. 4: 6, 13; Yak. 1: 5, 6; 2 Kol. 12: 9; Bef. 3: 16

75. Newandibade nga mubunafu bwange nyononye nyo ddala, sigwangamu suubi oba okubiviramu ddala ebya Katonda. Bwempulira muli obuswavu munda mwange olw'ebyo byemba nkoze, era ngampulira nti njakugezako obutadayo kwonona, Katonda ajja kunsonyiwa ate anyambe mu kusabola okukola byayagala nate.
Luk. 15: 11-32; 2 Kol. 7: 10; 1 Yok. 1: 9

Bwoyagala okumanya ebisingawo wandiika eri: -
Christadelphian Bible Mission (Uganda), 404 Shaftmoor Lane, Hall Green, Birmingham, UK, B28 8SZ.